
Aba Bugema nga bali ku kisaawe e Ntebe.

# Bugema ecacanca

Bya SHARON NABASIRYE NE JOHN MUSENZE

ABAYIZI ba Bugema University abeetabye mu misinde gya World University Cross Country e Yitale, baakomeddewo mu mizira.

Ebikujjuko byatandikidde ku kisaawe e Ntebe okutuuka ku yunivasite e Bugema ate olwatuuseeyo ne kiyititira.

Guno gwabadde gwakusatu nga Uganda ewangula emisinde gino. Elisha Yeko ne Solomom Cherotwo be baawangudde empaka zino. Yeko yawangudde zaabu ate Cherotwo yakutte kyakusatu n'afuna ogw'ekikomo.

Abayizi bano baasiimye Gavumenti n'abatwala yunivasite yaabwe okubawagira ennyo. "Gavumenti etuwagira buli lukya era obuwanguzi bwonna ebulinamu omukono kuba singa tetuteekamu ssente twandituuse ddi e Yitale? Cherotwo bwe yategeezezza.

Omumyuka w'akulira yunivasite eno, Kafeero Masiko yasiimye abayizi bano okukiikirira Uganda obulungi n'abakubiriza okwongeramu amaanyi.